AMATEKA KKUMI

1-Tobanga na bakatonda balala we ndi. 2-Teweekoleranga ekifaananyi ekyole. 3-Tolayiriranga bwereere erinnya lya Mukama Katonda wo. 4-Jjukira olunaku olwa ssabbiiti. 5-Kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa. 6-Tottanga. 7-Toyendanga. 8-Tobbanga. 9-Towaayirizanga muntu munno. 10-Teweegombanga. Olina okuyimirira mu maaso ga Katonda ku lunaku olw'omusango. Alaba okwegomba nga bwenzi, "buli muntu atunuulira omukazi okumwegomba, ng'amaze okumwendako mu mutima gwe." (Mat.5:28). Alaba obukyayi ng'okutta, "Buli muntu yenna akyawa muganda we ye mussi" (1Yokaana 3:15). Oligenda mu ggulu? Laba nno ekigezo ekyamangu. Wali olimbyeko? Wali obyeko kintu kyona? Wali olayiridde bwerere aba okwegomba ku muntu? Yakobo 2:10 egamba, "Kubanga omuntu yenna bw'aba akwata amateeka gonna, naye nasobya mu limu, ng'azzizza omusango gwa gonna" olizzizza omusango ku lunaku olw'omusango? Ssinga wali okoze ku bintu ebyo Katonda akulaba ng'omulimba, omubbi, omuvvoozi, omwenzi mu mutima. Baibuli egamba nti bw'oba ozzizza omusango oligenda mu Ggeyeena. Katonda yatuma omwana we abonebone era afe ku musalaba. Yesu ne yeetika okubonerezebwa kwaffe, "Katonda bwe yayagala ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo" (Yokaana 3:16). Oluvanyuma Yesu n'azzukira mu bafu n'awangula okufa. Wenenye (kyuka okuva mu bibi) olwaleero okirize mu Yesu ne Katonda agenda okukuwa obulamu obutaggwaawo. Soma Baibuli era okirize by'osoma.

EKIGAMBO EKYA KATONDA I

Wetaaga okulokoka. "Ddala ddala nkugamba nti omuntu bw'atazaalibwa mulundi gwa kubiri tayinza kulaba bwakabaka bwa Katonda" (Yokana 3:3). "Ffe fenna, ng'edinga, twabala buli muntu mu kkubo lye ye" (Isaya 53:6). "Naye, nze Mukama nkebera omutima, nkema emmeeme, okuwa buli muntu ng'amakubo ge bwe gali, ng'ebibala bwe biri eby'ebikolwa bye" (Yeremiya17:10). "Bwe muteenenya, mulizikirira mwenna bwe mutyo" (Luka 13:3). T'osobola okwelokola. "Katonda y'atulokola, si lwa bikolwa eby'omu butuukirivu bye twakola ffe wabula olw'okusaasira kwe, olw'okunaazibwa okw'okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri n'okufuulibwa abaggya omwoyo omutukuvu" (Tito 3:5). "Waliwo ekkubo omuntu ly'ayita eddungi, naye enkomerero yaalyo ge makubo ag'okufa" (Engero 14:12). Yesu n'amugamba , "Nze kkubo, n'amazima n'obulamu: tewali ajja eri kitange, wabula ng'ayita mu nze" (Yokaana 14:6). "Olw'ebikolwa by'amateeka alina omubiri yenna taliweebwa butuukirivu mu maaso ge. Amateeka ge gamanyisa ekibi" (Abaruumi 3:20). Katonda agabiridde obulokozi bwo. Yesu yeetikka ye yennyini ebibi byaffe mu mubiri gwe ku muti, ffe nga tumaze okufa ku bibi, tulyoke tubeerenga abalamu eri butuukirivu; okukubibwa kw'oyo kwe kwabawonya (1Peetero 2:24). Kristo yafa olw'ebibi by'affe. Yesu yaziikibwa, era nga yazuukizibwa ku lunaku olw'okusatu (1Abakkolinso 15:3-4). Katonda yakulokola lwa kisa kye lwe wakkiriza. Tosobola okwenyumiriza mu ekyo; kye kirabo kya Katonda. Tekwava mu bikolwa, omuntu yenna aleme okwenyumirizanga (Abaefeso 2:8-9).

EKIGAMBO EKYA KATONDA II

Kkiriza ekigambo ekya Katonda olokoke. Yesu n'abagamba nti, "Guno gwe mulimu gwa Katonda, okukkiriza oyo gwe yatuma" (Yokaana 6:29). "Ddala mbagamba nti awulira ekigambo kyange, n'akkiriza oyo eyantuma, alina obulamu obutaggwaawo, so talijja mu musango, naye ng'avudde mu kufa okutuuka mu bulamu" (Yokaana 5:24). Alina omwana alina obulamu; atalina mwana wa Katonda

talina bulamu. Ebyo mbiwandiikidde mmwe, mumanye nga mulina obulamu obutaggwaawo" (1Yokaana 5:12-13). Yatula Yesu mu bantu. "Kubanga buli ankwatirwa ensonyi nze n'ebigambo byange, oyo n'omwana w'omuntu alimukwatirwa ensonyi" (Luka 9:26). "Bw'oyatula Yesu nga ye Mukama n'akamwa ko, n'okkiriza mu mutima gwo nti Katonda yamuzuukiza mu bafu, olirokoka. Kubanga omuntu akkiriza na mutima okuweebwa obutuukirivu, era ayatula na kamwa okulokoka" (Abaruumi 10:9-10). Okukkiriza okutuufu kulina bikolwa. "Kigasa kitya omuntu bw'ayogera ng'alina okukkiriza, naye n'ataba na bikolwa?" (Yakobo 2:14). "Kubanga Katonda yakoza mu mmwe okwagala n'okukola, olw'okusiima kwe okulungi" (Abafiripi 2:13). "Kale bwe kityo buli muntu mu ffe alibalirira omuwendo gwe yekka eri Katonda" (Abaruumi 14:12). "Era oba nga mulowooza nga kibi okuweerezanga Mukama, mulonde leero gwe munaaweerezanga, naye nze n'ennyumba yange, ffe tunaaweerezanga Mukama" (Yoswa 24:15).

ENTEGEKA EYA KATONDA ENYANGU EY'OBULOKOZI I

Ekibuuzo ekisinga byonna mu bulamu bwo kiri nti "oligenda mu ggulu bw'olifa?" Katonda agamba nti okugenda mu ggulu kikugwanira okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri (Yokaana 3:7). Mu baibuli Katonda atuwadde pulani ey'okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Ekisooka, olin' okumanya nti oli mwononyi. "Kubanga bonna baayonoona, ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda" (Abaruumi 3:23). Kubanga oli mwononyi otekw'okufa. "Empeera y'ekibi kwe kufa" (Abaruumi 6:23). Kino kirimu n'okwawukana ne Katonda emirembe gyonna mu Ggeyeena. "Era ng'abantu bwe baterekerwa okufa omulundi ogumu, oluvannyuma lw'okwo musango" (Abaebbulaniya 9:27). Naye Katonda yakwagala nnyo nawaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka, Yesu, okwetika ebibi byo n'okufa mu kifo kyo. "Naye Katonda atenderezesa okwagala kwe ye gye tuli, kubanga bwe twali nga tukyalina ebibi Kristo n'atufiirira" (Abaruumi 5:8). Newakubadde tetusobola okukitegeera, Katonda yagamba nti ebyonoono byaffe byali ku Yesu era yafa mu kifo kyaffe. "Katonda alagira abantu bonna abali wonna wonna okwenenya" (Ebikolwa 17:30). Okwenenya kitegeeza okukyama okuva mu bibi era okukkirizaganya ne Katonda nti oli mwonoonyi, n'okukkirizaganya n'ekyo Yesu kye yakola ku musalaba ku lwaffe. Ekibuuzo: "Kinggwanidde kukola ntya okulokolebwa?" (Ebikolwa 16:30). Ekyokuddamu: kkiriza nti Yesu yetikka ebyonoono byo, yaffa mu kifo kyo, yaziikibwa era yazuukizibwa Katonda. Okuzuukira kwe kutukakasa nti tusobola kwekwata obulamu obutaggwaawo Yesu bwayanirizibwa ng'omulokozi waffe. "Naye bonna abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda" (Yokaana 1:12)

ENTEGEKA EYA KATONDA ENYANGU EY'OBULOKOZI II

"Kubanga, Buli alikaabirira erinya lya Mukama alirokoka" (Abaruumi 10:13). Kkiriza olirokoka. Tewali Kanisa oba ebikolwa ebirungi ebisobola okukulokola. Jjukira nti Katonda y'alokola. Entegeka eya Katonda enyangu ey'obulokozi eri nti: oli mwonoonyi era okujjako nga wenenya n'okukkiriza mu Yesu eyafa mu kifo kyo, olimala emirembe n'emirembe mu Ggeyeena. Bw'okkiriza mu ye ng'omulokozi wo eyakomereddwa ku musaalaba, n'aziikibwa era n'azuukira, ojja kufuna kisonyiwo olw'ebibi byo byonna n'ekirabo kye ekya bulokozi kya lubeerera. Ssinga t'otegeedde ntegeka ye bulungi, gisome mirundi mingi okutuusa ng'ogitegeedde. Bulamu bwo bwa muwendo okusinga ensi yonna. "Kikugasa ki okulya ensi yonna, n'okufiirwa obulamu bwo?" (Makko 8:36). Kaakasa nti olokose. Ssinga ofiirwa obulamu bwo olisubwa ggulu n'okufiirwa byonna. Tewesiga by'owulira mu gwe kubanga bikyuka. Beera mu bisuubizo bya Katonda kubanga tebikyuka. Ng'omaze okulokoka, waliwo bintu bisatu by'olina okukola buli lunaku osobole okukula mu mwoyo. Ekisooka, olina okusaba, kitegeeza

kw’ogera ne Katonda. Ekyokubiri kwe kusoma baibuli yo Katonda asobole okwogera nawe. Ekisembayo, gabanya okukkiriza kwo n’abalala, osobole okwogerera Katonda. “Kale, tokwatirwanga nsonyi kutegeeza kwa Mukama waffe” (1Tim.1:8). “Kale buli muntu yenna alinjatulira mu maaso g’abantu, nange ndimwatulira mu maaso ga kitange ali mu ggulu” (Matayo 10:32). Olina okubatizibwa n’obuwulize mu mukama waffe Yesu Kristo, ng’obujulirwa by’obulokofu bwo mu lwatu, awo wegatte ne kanisa ekkiriza mu baibuli.